# Obukodyo ab'amasomero bwe bakozesa okuyiiya ssente mu bazadde

Bya BADRU MUGENYI

NG'OLUSOMA olwokubiri lukubye kkoodi, abazadde abatoola ffiizi emitima gibeewanise nga banoonya wa gye bagenda okuggya ssente ssaako n'ezigenda okugula enkumuliitu y'ebintu ebyetaagisa, abaana baabwe basobole okuddayo ku masomero.

Ng'oggyeeko ffiizi n'ebyetaagisa ebikandibwa abazadde, amasomero galina obukodyo obw'enjawulo mwe gayita okuggya mu bazadde ssente abamu ne batuuka n'okwetamwa okuweerera.

Maurice Kaye omutuuze w'e Nansana ng'aweerera abaana ba siniya basatu mu ssomero erimu ku lw'e Ntebe, tannamanya gy'agenda kuggya ssente zigenda kugula kalonda w'ebintu ate nga byonna byetaagibwa olunaku omwana lw'addayo ku ssomero kyokka ne ffiizi tannasasulako!

Yagambye nti, ebyetaago bye yatwala ku ssomero olusoma oluwedde, kyenkaña bitandika amaka ate nga ne mu lusoma luno alina okugula ebirala ky'agamba nti kikosa nnyo ensawo ye. Mu by'alina okugula mwe muli enjeyo ezeera wabweru ne munda, bbulaasi eziyonja mu kaabuyonjo, Jik, Ream z'empapula, ssabbuuni, ssukaali, ssente z'okulambula ezimusabibwa buli lusoma ku baana ab'enjawulo ne kalonda omulala. Abaana b'aweerera kuliko owa S2 nga kati yaakamugulira yunifoomu za mirundi ebiri mu myaka ebiri,



Abaana abadda ku ssomero.

anti buli kibiina ky'agendamu ateekwa okukyusa yunifoomu ate nga teba emu. Buli emu asasula 200,000/- ate omuyizi bamwetaaza ppeya ekitono ennyo bbiri. Kuno kw'agatta yunifoomu y'ebyemizannyo (sports wear) ssaako yunifoomu gy'ayambala ku Ssande ne z'asiibamu nga nazo ekitono ennyo ziba ppeya bbiri. Kuno agattako essweeta ne sitookisi nga byonna bigulwa ku ssomero. Omwaka yeesanga ng'asaasaanyizza ssente ezitakka wansi wa 500,000/- ku yunifoomu zokka, ate nga za buli mwaka!

Moses Kitimbo nga makanika mu katale k'ewa Kisekka mu Kampala naye yeekokkola essomero mw'asomeseza omwana we owa P4 olw'okumusaba obwesiimuuzibwa (wipes) bw'alina okugulira omwana nga yeebuuza omugaso gwabwo kyokka nga amugulira ne toilet paper n'obutambaala.

Kitimbo era alina omwana asoma S3 nga mu lusoma oluwedde yalagirwa okugula obutabo busatu obwa 'text books' abasomesa mwe baggya bye basomesa, naye ekyaggya enviiri ku mutwe, essomero kwe kubukubamu sitampu ne libusigaza ng'omwana tasobola wadde okubuzza awaka ne bato be babukozese.

Musa Ssenyonga omuvuzi wa boda yategeezezza nti tagenda kuzza mwana we mu ssomero ly'abaddemu olw'okumuleetera akapapula okuli ebyetaago by'olusoma olugenda okutandika nga kuliko n'okulambula emyoleso egy'obuwaze. Yagasseeko nti si musanyufu olw'okugulanga ssukaali w'omwana we, essomero ne limumuggyako lyo ne litandika okumugerera gw'anaanywa n'agamba nti kirabika abasomesa be bamwenywera.

Ng'oggyeeko enkumuliitu y'ebintu ebisabibwa abazadde, amasomero galina obukodyo obulala mwe banyuunyuntira abazadde okugeza, waliwo agayita mu nkola nga okuwuga n'okutwala abaana naddala abato mu bifo ebizannyirwamu naddala amasomero agaliraanye Kampala. Wano basasuza abazadde ssente 80,000/- ne 100,000/- kyokka abaana babeetoolooza mu bifo ebiri okumpi ne Kampala olwo ne babazza ku ssomero.

Amasomero agamu okukkiriza omuyizi okwetaba mu mizannyo, omuzadde asooka kukwata mu nsawo. Okugeza waliwo essomero erimu e Mengo erisasuza abayizi 30,000/- bw'abaako omuzannyo gw'ayagala okwenyigiramu. Kuno omuyizi agattako okwegulira omujoozi mw'azannyira n'engatto. Mu masomero agamu omuyizi okwegatta ku kiraabu yonna okugeza eya MDD, eruubirira okwagazisa eggwanga (Patriotic club), Interact, Girl guides, Scouts ne kiraabu endala, olina okusasula ssente n'okugula yunifoomu ya kiraabu.

Okumanya amasomero gakamula abazadde, olaba bwe bategeka empaka z'emizannyo, ne Speech day era basasuza abazadde okubyetabako! Tebakoma awo, era basaba abazadde ssente za 'costume' abaana ze bambala era bw'otosasula olwo ng'omwana wo tajja kwetaba mu speech day!

Bwe kituuka ku balina mmotoka ezisomba abayizi ne gujabagira. Abamu basaba abazadde ssente ezenkanankana ne ffiizi. Okugeza, omuzadde bw'aba asasula ffiizi wa kakadde, n'owa Van z'asaba ate abaana ne babatikka ng'amabidde.

Okunyuunyunta okulala kuli naddala mu masomero ga siniya agategeka semina naddala mu ttaamu eyookubiri n'eyookusatu nga buli semina omwana asasula so nga n'ezimu bazitegekera ku ssomero kwennyini era nga abasomesa baawo bennyini ate era be balung'amya mu semina ezo.

Okulonda abakulembeze ku masomero nawo balembekerawo ssente. Ku masomero agamu, omuyizi okwesimbawo okufaananako nga Omulamuzi Byabakama ow'akakiiko k'ebyokulonda, asooka kusasulayo ssente z'okwewandiisa, olwo ne basunsulamu. Ku ssomero erimu mu Wakiso, buli omuyizi okwesimbawo, asooka kusasula 10,000/-, abasomesa ne basunsulamu abanaavuganya.

Ababa bayiseemu okuvuganya, basaba bazadde baabwe basasule ssente z'okukubisa ebipande era zitandikira mu 50,000/-.

Okwewandiisa okutuula ebigezo bya UNEB nawo waliwo omuziziko nga buli ssomero lisaba ssente ze lyagala. Ku bya S4, waliwo abasaba 200,000/- abalala 250,000/- n'okusingawo kyokka nga ekitongole ky'ebigezi ekya UNEB kigereka 164,000/- ku buli muyizi.

Okusasuza abazadde emmere ku lunaku lwe bakyalira abaana nako kakodyo amasomero mwe gayise okwegaggawaza. Essowaani y'emmere bagitunda wakati 16,000/- ne 20,000/-, ekintu ekinyigiriza abazadde.

Bbeeyi y'ebintu ebitundibwa ku kantiini z'amasomero nayo emirundi egisinga eba waggulu ekireetera abazadde okusaasaanya ssente ennyingi ku pocket money.

Emmanuel Ssempala Kigozi omu ku batandisi b'amasomero yagambye nti, embeera y'ebyenfuna ekyukakyuka y'ebaleetera okugamba abazadde okujja n'ebyetaagisibwa ebingi. N'agamba nti, ssinga bajja ne ssente enkalu, osobola okutuuka okubigula ng'ebbeeyi yapaaluuka ate essomero ne lifiirizibwa.

Agattako nti, omuzadde bw'omusaba ssente enkalu weegulire ebintu ebyo, alaba nga agenda okumufunako. Akubirizza abazadde okujjumbira enkiiko nga bayitiddwa kubanga amasomero agasinga, okwongeza ffiizi n'ebyetaago basooka kutegeeza bazadde lwakuba abamu tebajja olwo ne beekwasa nti tebaamanya nga babongeza.

Minisita omubeezi ow'ebyenzjigiriza by'amatendekero aga waggulu, Dr. Chrysestom Muyingo gye buvuddeko yategeezezza nti, Gavumenti ekyateeseganya n'abakulira amasomero naddala ag'obwannannyini nga baagala okukkaanya ku bintu ebiteekeddwa okuleetebwa ku masomero okulaba nga abazadde tebanyigirizibwa.

## Abantu bye bagamba



**Lillian Ndagire:** Ssente ze batusaba ez'obuzimbi ziba zaaki ng'essomero lyaggwa dda okuzimba? Amasomero kati gaafuuka malyansimbi kuba n'ebintu nga 'ream' zifikkawo ate ne bazitunda.



**Hassan Mugisha:** Abaana bange buli lwe bawummula mmanya lwe baddayo ne nteekateeka ebyetaagisa nga bukyali. Abamu batwala abaana mu masomero ag'ebbeeyi ate ne banenya Gavumenti.



**Poline Akuzwe:** Amasomero ebintu bye gatusaba oluusi biba byetaagisa lwakuba batusaba bingi ate bwe bifikkawo tebabiddiza baana. Owa P1 ssinga buli lusoma bamuddiza empapula ezifisse ku ream.

## Ebimu ku bye basaba ku ssomero



Buli lunaku lulina yunifoomu eyaalwo.



Bbulaasi.





Ream n'ebitabo



Ebikozesebwa okulongoosa kaabuyonjo.